# Bamaama bakubiriziddwa okusiibira amaka gaabwe

Bya JOANITA NANGONZI

BAMAAMA babuuliriddwa okusaba n'okusiibira amaka gaabwe mu kiseera kino nga tumaliriza ekisiibo.

Bino bibabuuliriddwa Agatha Nekambuza, mukyala w'omusumba Ernest Muyimbwa Nekambuza owa St Apollo Kivebulaaya mu busumba bw'e Sseguku.

Yababuuliridde okuwaayo omuwendo omunene nga bakyatambuza ekisiibo okusiibira abaami baabwe kuba Mukama yakyusa era n'agonza emitima gy'abaami egyakakanyala ne baba ab'eddembe.

Yayongedde n'abakuutira okusabira abaana baabwe bakulire mu mpisa ez'okutya Katonda ate awamu n'okukwatagana nabo obulungi kuba obuvunaanyizibwa bw'omuzadde kulung'amya mwana we n'okumusabira okulaba ng'abeera bulungi.



Muky. Nekambuza

Yagambye nti abakyala bwe banaasiiba, amaka ne gatereera n'abaana awamu n'abaami, eggwanga lijja kutebenkera kuba emirembe gitandikira waka ne giryoka gigenda mu ggwanga kuba awaka bwe watebenkera ate n'abakulembeze nga batebenkera.

Yayongeddeko nti Katonda awulira essaala y'omuzadde era nga Katonda eyali edda ku lwa bamaama era ye Katonda aliwo ne mu kiseera kino ekigambo kye kyesigika wabula nga bamaama balina kumwekwata na kumwesiga. Yabakuutidde obubeera n'okukkiriza kuba mu Yeremiya Katonda yabasuubiza okujja nga bamuyise era bulijjo alabiddwako ng'aliko abantu b'akyusizza mu ngeri ezenjawulo oluvannyuma lw'okusaba.

Yayongedde n'akuutira abaana okubeera abakakkamu kuba amalala gakulembera ekigwo; babeere bawombeefu nga batambulira mu kutya Mukama awamu n'okuwa bazadde baabwe ekitiibwa kuba mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera ate n'omuntu awa bazadde be ekitiibwa awangala.